

# Thimba okudduukirira!


Penelope Smith
Catherine Groenewald


Luganda



Gobani yali musajja muwanvu nnyo. Abatuuze ku kyalo baamuyitanga Gobani Omusajja Omukakkamu naggwano, kubanga yali musirise era nga wa mukwano. Teyali ng'abanene ababi b'osoma mu mboozi ezimu.

Emisana Gobani yakolanga mu nimiro ye. Enkumbi ye yali nnyimpi nnyo era ng'alina okukutama ddala wansi okukola nayo. Omugongo gwe guteekwa okuba nga gwamuluma olw'okukutama kwonna wansi.



Thimba yali abeera ku muliraano ne Gobani. Kyamunakuwaza okulaba Gobani ng'alwanagana n'enkumbi ye ennyimpi, oba ng'akutama okuyingira mu mulyango gwe.

Thimba yasalawo okuyamba Gobani. Yayogera n'abakadde b'ekyalo n'aba saba obuyambi. Naye nga tebannaba kuy amba, baali beetaaga okumanya bulungi ob uwanvu bwa Gobani.



Thimba yabuuza Gobani nti, "Oli muwanvu kyenkana chi?" Gobani yatebereza nti, "Ndi muwanvu miita nga 2,5." Yagalamira ku kitanda n'annyonnyola nti, "Nkimanyi nti omufaliso gwange guweza miita 1,5. Olaba ng'amagulu gange galengejja ku nkomerero waakiri miita endala. Kale ekyo kitegeeza nti nnina okuba nga nnina waakiri miita 2,5 obuwanvu."

Thimba kati yali asobola okutegeeza abakadde nti Gobani yali miita 2,5 obuwanvu. Oyo aba muwanvu nnyo!



Thimba kati yali asobola okutandika okukola ku nteekateeka ye ey’ekyama.

Thimba, Gobani n’enkoko ye ey’omu nnyumba, Choke, basituka okugenda mu katale ku gaali ya Gobani entono. Gobani yalina okuwanika ebigere waggulu w’amayembe wakati mu kusoota. Thimba yeekweka munda mu kisero, ng’atidde nnyo okutunuulira oluguudo nga egaali ezunga okuva ku ludda olumu okudda ku lulala.



Ku kibangirizi ky’ekyalo, Gobani yavaa ku gaali ye, era enkuyanja y’abanakyalo ab’omukwano ne bamwetooloola. Ssentebe w’ekyalo yamwaniriza. "Allo omukakkamu naggwano," bwe yagamba. "Omuvubuka Thimba yatugambye nti osanga ebizibu mu bulamu bwo, okubeera omuwanvu ennyo."

"Twagala okukuyamba. Tujja kukakasa nga buli kye weetaaga kiri mu sayizi entuufu gy'oli. Mu bbanga ttono ebizibu byo bijja kuggwaawo. Linda olabe."




Abatuuze ku kyalo baakola essaawa zonna okulaba nga buli kimu Gobani kye yali yeetaaga kikolebwa mu sayizi entuufu.

Laba enkumbi ye empya. Geraageranya obuwanvu bw'enkumbi empya n'eyo enkadde. Empya eringa ejjisinga obuwanvu emirundi nga ebiri.



Ekiddako abatuuze ku kyalo baayamba Gobani okuzimba omwango gy’oluggi omuwanvu nga kuliko oluggi olupya olw’ennyumba ye. Lwali luwanvu katono okusinga Gobani, kale nga takyalina kukutama wansi okuyingira munda. Nga lumalabumazi!




Ekyaddako kyali kitanda ekipya ddala n’omufaliso nga kuliko amasuka amawanvu ennyo ne bulaangiti okubikka omubiri gwa Gobani omuwanvu okuva ku mutwe okutuuka ku bigere.

Oluvannyuma yali asobola okwesunga essaawa ez’okuwummula n’okwebaka mu mirembe. Ebigere bye tebyalengejja  ku nkomerero y’omufaliso. Laba omubiri gwe gwonna kati bwe gubikkiddwa ddala. Waliwo n’ekifo ekisigaddewo ku nkomerero



Omutaka yasaba omu ku bokyi b’ebyuma ku kyalo okukolera Gobani egaali enene ennyo. Yalina ekisero ekinene ekimala Thimba ne Choke bombi okutuula.

Amatandiiko, emikono n’ebigere byali bituufu. Gobani teyalina kuwalula magulu ge ku luguudo wadde okugawuuba ku bikondo okugaziyiza okuyingira mu kkubo.



Ababazi bakolela Gobani emmeeza empya gy'ayinza okutuulako ng'alina amagulu amawanvu. Kati bw'atuula okulya, ebigere bye bikwata ku ttaka.

Thimba atula okumpi naye ku ntebe empanvu ennyo. Yeetaaga amadaala okutuuka waggulu.



Enkumbi ya Gobani empya yamwanguyiza okusimba n’okukungula. Enimiro ye yafuuka ekibira! Gobani aleka ebisero by’ebibala wabweru w’oluggi lwe olw’emmilyango eri abatuuze b’oku kyalo, okulaga engeri gy’abebazaamu olw’obuyambi bwabwe.

Era bino byonna byatandika n’ekirooto ky’omuvubuka Thimba eky’okwanguyiza mukwano gwe, omukakkamu naggwano obulamu.

Oli wa ddembe okuwanula, okukoppa, okuvvuunula oba okukyusakyusa emboozi eno n’okukozesa ebifaananyi kasita oba ng’ossaako mu ngeri eno wammanga.

Thimba okudduukirira!

Omuwandiisi -- Korneliyo Gulere
Okukyusa embeera -- Penelope Smith
Ekifaananyi -- Catherine Groenewald
Olulimi -- Oluganda
Omutendera -- Soma mu ddoboozi ery'omwanguka

© Enteekateeka y’ebitabo by’emboozi mu Afrika, 2017
Creative Commons: Okuwandiika 4.0
Ensibuko ya www.africanstorybook.org
Ensibuko y’olubereberye www.ugcla.org

2026.07.16